Ecolebooks.com

*P360/2*
*Luganda*
*Olupapula Olwokubiri*
*Essaawa Ssatu (3)*
*July/Aug 2016*

MOCK EXAMINATIONS 2016

UGANDA ADVANCED CERTIFICATE OF EDUCATION

LUGANDA

OLUPAPULA OLWOKUBIRI

*Okukyusa, Okuwandiika emboozi, okusoma bwino n'okufunza*

ESSAAWA: SSATU

**EBIGOBERERWA**

- Ebitundu A,C ne D bya buwaze,
- Mu kitundu B kola 2(a) oba 2(b)
- Goberera endagiriro ku buli kibuuzo.

**EKITUNDU A:**

**Ddamu 1 (a) ne 1(b)**

1. (a) Kyusa ekitundu kino okizze mu Luganda. (obubonero 15)

Tourism in Buganda must have started many years ago even before the kingdom territory was named Buganda. According to Baganda culture and norms, visiting was very common among families and usually took place during the evening hours. Visits were common in the evening because during the day, work was paramount. Men and women often visited their friends to discuss different matters of society.

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Food and drinks were always served to visitors without any cash payment to the host but among the Baganda, whoever visits someone, carries at least a gift. Gifts included among others things fruits; local brew, bark cloth, food to mention a few.

It was common basically with the men to take their visitors around their premises, farms and others. The visitors could admire and learn something from the host and would take it home with them for development.

*(Extracted from Touring Buganda Magazine, July – October issue 2013)*

(b) Kyusa ekitundu kino okizze mu Luzungu. (obubonero 15)

Nazzikuno, bamaama baffe tebaafunanga nnyo buzibu ng'obuliwo kati nga batuuse okuzaala. Oli yasitulanga olubuto emyezi mwenda, akaseera bwe kaatuukanga ng'ebisa bimulumye ng'asindika omwana ng'ayambibwako bamulerwa abaalinga ku kyalo.

Ensangi zino, ebintu bikyuse kumpi buli bakyala abagenda mu ddwaliro, babiri ku bataano balongoosebwa bulongoosebwa. Kino kivudde ku mbeera ez'enjawulo abantu ze beeyisaamu. Okugeza, omwana omuwala ennaku zino akula ng'ayambala obugoye obumukwata ennyo obulemesa amagumba gaabwe okukula nga gafuluma ebweru. Kino kibalemesa okusindika obulungi abaana nga batuuse okuzaala.

*(Kisimbuddwa mu Bukedde, Gatonnya 31, 2016)*

**EKITUNDU B:**

**Kola 2(a) oba 2(b)**

2. (a) Ku mitwe egikuweereddwa, londako gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo 300 – 400. (Buli mutwe gwa bubonero 30)

(i) Guno mulembe ki?

(ii) Ataalukutambulire …………………………….

(iii) Tudde ku nnono n'ebyobuwangwa tusobole okutaasa amaka gaffe.

(iv) Engeri y'okukendeeza obumenyi bw'amateeka mu Yuganda.

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

**Oba**

(b) Ku mitwe egikuweereddwa londako ebiri buli gumu oguwandiikeko emboozi nga bw'olagiddwa. (Buli mutwe gwa bubonero 15)

(i) Oluvannyuma lw'okwesimbawo ku bukulembeze naye n'otayitamu, yogerako eri abalonzi bo obazzeemu essuubi. (Kozesa ebigambo 200)

(ii) Wandiika omuko mu mawulire ng'olabula abazadde n'abaana ku bizibu ebiri mu kufumbirwa oba okuwasa omuntu atali wa myaka gyo. (Kozesa ebigambo 200)

(iii) Wandiikira mukwano gwo ebbaluwa ng'omunyumiza ebirungi bye wafunira mu kkomera. (Kozesa ebigambo 150)

(iv) Weefuule akulira okukwasisa empisa mu ssomero lyammwe obuulirire abawala ng'obalabula ku nnyambala embi. (Kozesa ebigambo 200)

## EKITUNDU C:

3. Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.
(obubonero 20)

### Oluvannyuma Lw'amatikkira

Enkeera ku Ssande, Kabaka yagabula ekijjulo makeke eri abakungu n'abaami be mu Bulange e Mmengo. Kabaka yasooka kwetaba mu mmisa mu Lutikko e Lubaga.

Nga August 2, 1993, Ssabasajja yaggulawo olutuula lw'Olukiiko lwa Buganda nga bajjajja be bwe baakolanga okuviira ddala ku Ssekabaka Kintu.

Ecolebooks.com

Olutuula luno ne Pulezidenti Museveni yalwogereramu. Omutaka Katongole, omukulu w'ekika ky'ente Owaakasolya yawa Museven obukulu bw'Omutuba mu Kika ekyo era n'agenda e Kisozi mu Gomba n'amusimbira omutuba! Oluvannyuma Omutaka Katongole yeekoonolera obubaka bwa Uganda e Tanzania!

Ssaabasajja teyayogera bingi. Yagamba nti Omulembe

Omutebi ajja kugutambuliza ku busobozi, ng'alonda abantu abasobola okutwala Buganda mu maaso.

Ye Museveni yayogera ku bukulu bw'ennimi ennansi, abafuzi b'ensikirano okwewala entalo wamu n'obukulu bw'obufuzi obw'ennono mu kugatta eggwanga.

Olw'okutuukiriza ebirowoozo bye yalina ku Buganda, Kabaka yatandikirawo n'okulonda abantu abalina obusobozi mu bifo eby'enjawulo.

- Yalonda Joseph Mulwanyammuli ssemwogerere, okubeera omumyuka wa Katikkiro alina obuyinza obujjuvu. Ono yali yaakawummula obwa D.A. (kati RDC) obwa Masaka.
- Mu May was 1;994, Ssaabasajja Kabaka, ng'ali ku mirimu emitongole e Bungereza, yalangirira enkyukakyuka mu Lukiiko lwa Buganda n'alonda Mulwanyammuli Ssemwogerere ku Bwakatikkiro n'adda mu bigere bya Mayanja Nkangi, eyali abubaddeko okuva mu 1964.
  Mulwanyammuli yali amyukibwa ssaabalangira wa Buganda era minister w'ebyettaka Besweri Mulondo, Omutaka Ndugwa Grace Ssemakula, Sheikh Ali Kulumba. Ssaabawandiisi yasigala Omulangira Re. Dan Kajumba, John Katende yasigala ku bwaminista bw'amateeka era nga ye Ssaabawolereza wa gavumenti ng'amyukibwa munnamateeka Godfrey Lule ng'omuwanika ye Ying. J.B. Walusimbi.
  Minisita w'ebyobulamu yali Robert Ssebunya, ow'emirimu ne bulungibwansi Muky. Joyce Nabbosa Ssebuggwawo, omumyuka wa sipiika yali munnamateeka Joseph Balikuddembe. Minisita eyali asinga obuto yali w'abavubuka Charles Peter Mayiga ng'ono yali atandise n'olukiiko lw'Obwassaabataka olw'oku ntikko mu 1991.
- Wassibwawo ekitongole kya Buganda land Board (BLB) nga kikulirwa omugenzi James Mulwana ate Michael Ssozi nga ye muwandiisi waakyo. Obuvunaanyizibwa bw'ekitongole kino bwali bwa kulondola ettaka lya Kabaka omuli ne mayiro 350 Gavumenti ze yali yaakazzaayo, nga bayita mu konsitityusoni.
- Pulezidenti Museveni yennyini ye yakwasa Kabaka ekyapa ky'Olubiri ng'omukolo gwali mu maaso ga Butikkiro, wakati mu ssanyu eritagambika.

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

- Amangu ddala okuddaabiriza Bulange kwatandika, abantu bangi abaayamba Buganda okuddaabiriza ekifo kino nga mulimu n'abaali mu gavumenti eya wakati.
- Waaliwo okuzzaawo amagombolola kubanga agasinga gaalimu bitongole bya gavumenti eya wakati. Kabaka yalonda ababaka mu buli Ggombolola. Kaaya Kavuma yalondebwa nga Ssebwana (Busiro) ng'eno gye yava okujja ku kabineeti ya Kabaka nga minister w'ebyettaka.
- Ekitongole kya BUCADEF, kyatandikibwawo n'obuvunaanyiziba bw'okulaba nga kiyamba abantu okweggya mu bwavu. Herbert Kibuuka ye yali akikulira era yasookera ku kugaba mmwaanyi mu magombolola ag'enjawulo.
- J.C. Muyingo eyali alondeddwa mu byenjigiriza yali musaale mu kuzzaawo amasomero ga Bugana.
- Kabaka Foundation yatandikibwawo ng'erimu Omulabirizi w'e Mukono eyawummula Dr. Michael Ssenyimba, Joyce Mpanga n'abalala.
- Emipiira gy'Ebika egyali gitandikiddwaawo gyayongerwamu amaanyi, abantu ne batandika okujjumbira Ebika byabwe ng'obuwagizi bwe balina tebulojjeka.

  Bingi ebikoleddwa era ebikyakolebwa ku mulembe Omutebi. Wadde Omulembe Omutebi gubadde era nga gukyalina okusoomoozebwa kungi okutalagiddwa mu kitabo kino naye mu byonna Ekitiibwa kya Buganda kyongedde okutumbula olw'omusingi omugumu ogumaze emyaka 800 nga guzimbibwa.

**Ebibuuzo:**

(a) Leeta ensonga emu ekakasa nti ebyobuwangwa n'eddiini bitambulira wamu. (obubonero 2

(b) Nyonnyola ensonga ttaano (5) eziraga nti waliwo okutwala Buganda mu maaso okutuukiddwako mu mulembe Omutebi. (obubonero 10)

(c) Okusinziira ku kitundu kino, omukulembeze w'eggwanga yalina buvunaanyizibwa ki mu kulaba nga Buganda egenda mu maaso? (obubonero 4)

(d) Nokolayo obulombolombo 2, Kabaka bwe yatuukiriza oluvannyuma lw'amatikkira. (obubonero 4)

## EKITUNDU D:

4. Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100. (obubonero 20)

Edda mu Buganda ekigambo eky'okwekuuma kyalinga etteeka. Buli mulimu omunene ogwakolebwanga omusajja gwabeerangako okwekuuma, naye ng'omusajja ye yekuuma

omukazi. Wabula enkola eno yaleetera okulabisa omukazi ng'ekintu obuntu ekiri awo ekitalina mugaso era ekitalina kitiibwa wabula okuweebuula obuweebuuzi omukazi. Omusajja yeegenderezanga nnyo omukazi era nga tayagala akwate ku kintu ekitanaggwa kukolebwa.

Omulaguzi bwe yalagulanga omusajja ky'anaakola alyoke awone obuyinike obwo obumuliko, nga eky'okwekuuma ekisooka amugaana okwegatta n'omukazi. Naye bwe yasobyanga ne yeegatta ne mukazi we nga tannaba kutuukiriza bweyamo bwe yeeyama ng'olwo azzizza ogwa Nnaggomola. Era ekyo kye yabanga ayagala okumukolera bwe kitaatuukiriranga ng'omulaguzi amugamba nti byonna bigaanye okutuukirira kubanga wasobya bye nnakulagula.

Bwe yabeeranga tannatuukiriza bweyamo bwe ate n'ayagala okusula ne mukazi we, ng'ate asooka kugenda eri gye yalagulwa n'amusaba olukusa lw'okusula ne mukazi we, bwe yamukkirizanga ng'olwo akikola era nga tewabaawo buzibu bwonna.

Ne mu kutambula era bwe kyabanga. Omusajja bwe yabeerangako n'olugendo lw'agenda okutambula n'asooka okusanga omukazi nga tannatuuka wala, yayinzanga okukoma mu kkubo n'addayo eka. Bwe yabeeranga atambuddeko ebbanga ddeneko lyatayinza kuleka era ng'atambula yeeralikiridde nnyo nti, "Olugendo lwange luno lubi terubeere na mukisa kubanga nnasoose kusanga mukazi." Omukazi kye baavanga bamwewala ennyo kuba alinga eyaliko ebizibu mpozzi olwa Nnambi Nantuttululu eyaleeta Walumbe n'atta abaana ba Kintu, kye yava abeerako emizizo egyo gyonna.

Wabula ate mu ngeri endala omuzizo gwa tuukirizibwanga nakwegatta, ng'omusajja yeegatta ne mukazi we. Okugeza singa omukazi yakwatanga enseenene oba singa yalimanga emmere ng'omulundi gwasoose okugifumbira bba, olumala okulya ng'omusajja yeegatta naye basobole okumala omuzizo gw'okulima emmere.

Wabula bano abasajja n'abakazi baleero bakutabula! Tebakyekuuma era tebassa kitiibwa mu buwangwa bwabwe obulimu emizizo ko n'obulombolombo obwakuumanga empisa zaabwe era ne bubatangira okufuna endwadde zinnamutta!

Tunaatera kulaba ng'abasajja bagoba abakazi mpozzi nga Sseggwanga bwegoba enkoko enseera! Tufudde.

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Ecolebooks.com

*BIKOMYE WANO*

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM